# Ebituukiddwaako mu kulwanyisa akawuka ka siriimu





Okwekebeza omusaayi n'omanya bw'oyimiridde kiyamba okulwanyisa akawuka ka siriimu.

Bya SUMAYIYA NAKATTA

GAVUMENTI ya Uganda ng'eruubirira okutuukiriza ekirooto kyayo eky'okusaanyaawo akawuka akaleeta obulwadde bwa siriimu aka Human Immunodeficiency Virus (HIV).

Dr. Robert Mutumba, akulira ekitongole kya Aids Control Programme mu minisitule y'ebyobulamu, agamba nti, okusinziira ku kibalo kye balina kati, abantu mukaaga bokka ku buli 100 be balina akawuka ka siriimu okuva ku bantu 20 ku 100 nga bwe kibadde gye buvuddeko.

Agamba nti, akawuka kano kasinga kutambulira mu bavubuka nga 94 ku 100 bamanyi bwe bayimiridde ku bikwata ku kawuka kano, naye wakyaliwo 150,000 abatannakeberebwa olwo nabo bateekebwe ku ddagala.

Mu mwaka gwa 2010, abantu abapya abaali baakwatibwa akawuka baali 100,000 naye mu kiseera kino, bali 37,000.

Nga tuli mu mwezi gwa December mwe tujjuukirira n'okwongera okubunyisa enjiri ku kawuka ka siriimu mu nsi yonna, gavumenti ekoze kaweefube ow'amaanyi okulaba ng'akawuka kano kafuuka olufumo mu Uganda we gutuukira omwaka gwa 2030.

Kaweefube ono akoleddwa ebitongole ne minisitule za gavumenti eby'enjawulo nga; Uganda Aids Commission, Taso, ebitongole ebiva ebweru w'eggwanga nga UNAIDS, ebitongole by'obwannakyewa, Obwakabaka n'abantu abalala bangi.

## EBITUUKIDDWAAKO

1 Abalwadde okufuna eddagala kyeyongedde : Gavumenti efubye okulaba nga buli muntu azuulibwa ng'alina akawuka ka siriimu ateekebwa ku ddagala okuleka oyo aba tagenze mu malwaliro.

2 Obujjanjabi n'okufuba okulaba nga buli mulwadde ateekebwa ku ddagala talivaako kuba kino kiyamba akawuka okukendeera mu mubiri gw'omuntu ne kiyamba obutasiiga balala.

3 Okukebera akawuka ka siriimu mu bantu nakwo kweyongedde nga kati abantu abasinga bamanyi bwe bayimiridde ku bikwata ku kawuka kano aka siriimu.

4 Okugaba kondomu eri abantu abazeetaaga nakwo kweyongedde.

5 Okukomola abasajja okwa kyeyagalire nakwo kukoleddwa era kukyakolebwa mu malwaliro nga kino nakyo kiyambako okendeeza emikisa gy'okufuna akawuka ka siriimu.

6 Okunoonya abalina akawuka abatannavaayo kuteekebwa ku ddagala wamu n'okubabudaabuda nakwo kukyagenda mu maaso.

7 Enkozesa y'eddagala eritangira omuntu obutafuna kawuka singa abeera atabaganye n'omuntu akalina eya Prep nayo yeeyongedde naddala mu bantu abali mu katyabaga k'okufuna akawuka ka siriimu.

8 Empiso eziyambako okuweweeza akawuka omuli ey'emyezi ebiri, n'ey'emyezi omukaaga nazo zitandise okozesebwa ne ziyambako abantu obutamira ddagala lya buli lunaku ekikooya.

9 Okutangira bamaama abalina akawuka ka siriimu obutakasiiga baana nga bazaalibwa nakwo kukoleddwaako.

Dr. Mutumba ategeeza Bannayuganda nti, waliwo obuwanguzi obutuukiddwaako wadde nga n'ebisoomooza bingi bikyaliwo, era akubiriza abantu okwekebeza bamanye bwe bayimiridde, abazuulibwa n'akawuka bafune obujjanjabi n'okubudaabudibwa kubanga bw'ogoberera okulung'amizibwa kw'abasawo owangaala mu mbeera ennungi n'otuukiriza n'ebiruubirirwa byo mu bulamu.

## Abantu kye bagamba



**Muhammed Ssemanda : Abasajja tulina okwettanira kondomu kitusobozese okwewala okusaasaanya siriimu, ate n'abalina akawuka banyiikire okumira eddagala.**



**Samuel Baguma : Abasajja okwettanira okukomolebwa kiyamba abantu obutafuna kawuka ka siriimu, Ate ffenna twettanire emisomo ku siriimu tusobole okumwekuuma.**



**Fatuma Nagujja : Abakyala twettanire empiso ezitutaasa okufuna akawuka ka siriimu. Era tweyunire okutukebera omusaayi okumanya bwe tuyimiridde, kituyambe okwewala okusaasaanya akawuka ka siriimu.**